# Batemye empenda ku kukuuma obutonde bw'ensi




Habumugisha (ku ddyo) ng'awanyisiganya ebiwandiiko n'aba Rotary Uganda.

ABAKUNGU b'ekitongole ky'amafuta balaze obukulu bw'okukulembeza obutonde bw'ensi mu bizinensi ez'enjawulo ezikolebwa mu ggwanga.

Batandise n'enteekateeka y'okuyita mu masomero okutendeka abayizi obukulu bw'okukulembeza obutonde bw'ensi mu buli kye bakola.

Bwatyo omumyuka w'akulira kkampuni ya East African Crude Oil Pipeline, John Bosco Habumugisha, bwe yategeezezza nga batongoza enkola eyatuumiddwa "EACOP and Rotary Green Schools' Initiative" ku ssomero lya St. Kizito Primary School e Kasasa mu disitulikiti y'e Kyotera.

Mu nteekateeka eno, abakungu b'amafuta baakukwatagana n'amasomero okubazimbira amasannyalaze g'amaanyi g'enjuba, ebibangirizi awasuulibwa kasasiro ow'ebika eby'enjawulo, okubazimbira ttanka z'amazzi ag'okukuuma obuyonjo n'ebirala, ebigendereddwaamu okubayigiriza engeri gye bateekeddwa okukulembeze obutonde bw'ensi.

Ku lw'essomero ne Rotary Uganda, Christine Kyeyune Kawooya ne Geoffrey Kitakule baalaze essanyu olwa kye baayise obuvujjirizi obwaweereddwa amasomero agali mu disitulikiti awagenda okuyita omudumu gwa "East African Crude Oil Pipeline-EACOP.